# Obukodyo bw'okozesa okuggya omwana ku biragalalagala

Bya EMMANUEL SSEKAGGO

OKUKOZESA ebiragalalagala okugeza ng'enjaga, amayirungi, amakerenda ag'obulabe eri obulamu bwabwe n'ebirala ebigwa mu kkowe eryo gwe gumu ku mize abayizi gye basobola okuyiga naddala nga bali ku masomero.

Okusinga gino bagiyigira ku bannaabwe abava mu maka gye bakozesa ebiragalalagala.

Omwana abadde abikozesa ku ssomero, bw'akomawo awaka era asobola okwagala okubikozeserezaawo olw'ekyoyooyo ky'aba yafuna. Wano omuzadde w'olina okubeerera omukalabakalaba n'ozuula nti, omwana wo yasenza omuze guno ate n'olaba n'engeri gy'omuyamba.




## EBIVAAKO ABAANA OKUKOZESA EBIRAGALALAGALA

Hadijah Zawedde, omukugu mu nkuza y'abaana ate nga kkansala w'e Bukoto agamba nti : Ekisinga okuvaako abaana okwenyigira mu kunywa ebiragalalagala by'ebibiina by'abayizi ebibi by'aba yakwatagana nabyo ng'ali ku ssomero.

Omwana bw'aba yava awaka nga mulimu ababikozesa, bw'agenda n'omuze guno ku ssomero asobola okuguyigiriza banne okukkakkana nga gubunye.

Abamu baba n'endowooza enkyamu okugeza nti, amayirungi bw'ogalya teweebaka. Kati abo ababa baagala okusoma ebitabo basalawo okugakozesa. Ono asobola okuyiga omuze guno nga talina kigendererwa kibi, kyokka ate ne gumubaka, n'atandika okuyisibwa obubi nga tagalidde.

Abeekuba empiso oba okumira amakerenda agalimu ebiragalalaga oluusi balimbibwalimbibwa nti, baba bakkakkanya bulumi oluusi n'ebirowoozo. Omwana wo bw'atandika embeera eno, bw'otomuyamba aba ayolekedde okukwonoonekako.

## OBULABE MU KUKOZESA EBIGALALAGALA

Abazadde abamu balina endozoowa nti, omwana akozesa ebiragalalagala, obulabe obusinga okuba obunene bw'afuna kwe kuba nti, asobola okulwala omutwe. Ekyo kiyinza okuba ekituufu, kyokka waliwo n'obulabe obulala bungi bw'aba ayolekedde obusobola okutuuka ku ye ng'omuntu oba ekitundu kyonna.

Omwana akozesezza ebiragalalagala, bisobola okumusindika mu mize emirala omuli; okubba, okulwana n'emirala. Okulwana, asobola okukufuniramu obuvune omuli n'okufa.

Ayinza okwenyigira mu bubbi kuba aba tatya.

Omwana alemererwa okwefuga, bisobola era okumusindika mu mize emirala gamba ng'okusobya ku baana abato. Ekyo no kya bulabe eri ye ate n'ekitundu kyonna.

Awo no tolaba omwana wa muliraanwa nga yeenyigira mu muze guno n'owoza 'zirindaba olwange' olwo n'otogezaako kumuyamba. Ono asobola okuzza emisango ate mu maka go.


Hadijah Zawedde

## BW'OYAMBA OMWANA AKOZESA EBIRAGALALAGALA

Ekisinga okuba ekikulu kwe kwogera n'omwana wo ku bulabe bw'omuze guno ara bw'aba agutandise n'omusaba aguveeko.

Singa okizuula nti, ate gutuuse ku mutendera ogw'obulabe oluusi n'omwana olaba ng'atakyamusobola, weebuuze ku bakugu, omuli bakansala, Bannabyanjigiriza oba abasawo olabe omwana bw'omuyamba.

Kyokka mu kaweefube w'okuyamba abaana baffe okuva mu mize egy'enjawulo, tulina okwegendereza okukuba abaana embooko kubanga ebiseera ebimu teziyamba. Okubuulirira kwe kusinga okubeera okutuufu.